# D.O.W.B.I

## DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

# CERTIFICATE

## IN MINISTRY

KAMPALA BIBLE
REVELATION CHURCH




# OKUBEERA OBULAMU BWA KATONDA

**Name/Erinnya**_______________________________________________________________

**Located/ Tusangibwa**
*** Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]**
*** Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kaggwa Rd.**

# KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE
KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]
COURSE OUTLINE (3 HOURS)


## OKUBEERA OBULAMU BWA KATONDA

### >OKUNNYONYOLA:

Buno bwe bulamu bwa Katonda **(Zoe)** – Yokaana 3:16. Kye kikolwa eky'okusumululula obulamu bwa Katonda obutalabika mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. Yokaana 10:10; 1 Yokaana 5:11; Yokaana 5: 26. Kwe kulabisibwa kw'ekikula kyo ekiggya wano ku nsi. 2 Abakkolinso 5: 17.

Nga **Enjuki** ng'erumbiddwa bweruma nga ekozesa omumwa gwayo ogw'emabega, naffe bwetutyo tusumulula obulamu bwa Katonda mu mbeera zaffe.

*Kino kifanaanyi ky'enjuki n'omumwa gwayo ogw'obutwa*




Okubeera obulamu bwa Katonda kwe kukozesa amazima eri ebintu ebiriwo. Amazima kye kigambo kya Katonda, nga ate ebiriwo ze embeera. Obulamu buno kye kitangaala ekirung'amya abantu mu nsi muno. Yokaana 1: 4. Obulamu buli mu bibya eby'ebbumba. 2 Abakkolinso 4: 6 -7.

## >>Obukakafu Obutalabika:

| Nga okugwa tekunnaba | Oluvannyuma lw'okugwa | Oluvannyuma lw'okuzuukira |
|---|---|---|
| 1. KATONDA | 1. KATONDA | 1. KATONDA |
| 2. OMUNTU | 2. BAMALAYIKA | 2. OMUNTU+ |
| 3. BAMALAYIKA | 3. SETANI | 3. BAMALAYIKA |
| 4. SETANI | 4. OMUNTU | 4. SETANI |
| Oluberyeberye 1:26 | 2 Abakkolinso 4:3 – 4 | Abaebbulaniya. 1:14; 2:9 |
| Zabbuli 8:5 | Luka 15:11 - 24 | Abakkolosayi 3:3; 2:12 |

**Enzivunula y'ebyo waggulu:**
Omuntu bweyali tannaba kugwa yali addirira Katonda era yamuwa obuyinza bwonna ku nsi. Oluberyeberye 1:26. Setani yali wansi wa bigere by'omuntu.

Oluvannyuma lw'okugwa, omuntu yafuuka muddu wa Setani era omuddu w'ekibi. Omuntu yafiirwa ebintu byonna Setani nabitwaala.


Yesu bwe yafa nazuukira, naffe abamukkiriza twazuukirira wamu naye era ne tutuuzibwwa ne Kristo mu bifo eby'omu ggulu okusukkirira Setani.

## >>Obulamu bw'obwakatonda mu bakkiriza:

- Twazaalibwa Katonda, nolw'ekyo tuli myoyo, tulina emeeeme era tubeera mu mibiri: Yokaana1:12; Yokaana 3:3 – 6; Ebikolwa 17:28
- Tuli Bantu ba nvuma: tuli bakabaka era bakabona okufuga n'okuwayo ebiweebwayo. 1 Petero 2:9; Okubikulirwa 1:5 – 6; Zabbuli 91: 1
- Tuli babaka era abajulirwa ba Kristo era tulina obukuumi okuva mu ggulu: 2 Abakkolinso 5:20; Isaya 54:14, 17
- Tulina ebirowoozo bya Kristo: tuli bamaanyi, tetulowoza bya kutya, tukola ebintu n'obuvumu nga Kristo bwe yabikolanga. 1 Abakkolinso 2:15; 2 Timoseewo1:7; Matayo 11: 12; Engero 30:30; 28:1
-

## >>Ebintu kwe tusinziira okukozesa obulamu bwa Katonda:

Obulamu bwa Yesu gwe musana gw'abantu. Yokaana 1:4. Okuyingira kw'ekigambo kya Katonda kuleeta obulamu bwa Katonda. Zabbuli 119:130. Buli mukkiriza muti gwa butukirivu.




*Okukula kwaffe kuva ku kuyingira kw'ekigambo kya Katonda. 2 Timoseewo 2:15; Ebikolwa 2:22.*

Obubonero n'ebyewuunyo biva mu kigambo kya Katonda, Okuva 7:1; Matayo 4:23

## >>Okusumulula obulamu bwa Katonda:

**(Tulina okuyiga okusumulula obulamu buno.)**

Yokaana 3:5 – 8, tubusumulula nga tukola eddoboozi. Akamwa ko gwe mulyango omufulumira obulamu bwa Katonda. Oluberyeberye 1:1 – Katonda yagamba era ne kiba. Engero 18:21 – amaanyi gano gali mu lulimi.

Makko 11:23 – kwe kwogera mu kukkiriza, nga oyogera Katonda kyagamba eri embeera eyo. Abaebbulaniya 4:12; Isaya 55:10. Okutuusa nga ekigambo kiyise mu kamwa ko okuva mu mutima gwo, tewali kiyinza kubawo.

## >>EBIFO MWE TUSUMULULIRIRA OBULAMU BWA KATONDA:

1. **Okusaba:** nga tuli mu kusaba tusumulula obulamu bw'obwakatonda. Tuba twogera Kigambo kya Katonda kye tukkiriza mu mbeera eyo. Ebikolwa 4:24
2. **Okulangirira:** tulangirira eri embeera n'eddoboozi nga twogera ekigambo kya Katonda. Luka 4:18
3. **Okuwa ebiragiro:** tuwa ebiragiro ebitawakanyizibwa abalabe baffe mu mbeera eziwakanya . Ebikolwa 13:9
4. **Okuteekawo bye twagala:** tuteekawo bye twagala okulaba mu maaso ga abo ababuuusabuusa. Katonda mwesigwa okutuukiriza abaddu be bye bogedde. Isaaya 44:26

______________________________________________

______________________________________________

## NOTES/WANDIIKA